



OKUKYUSA N'OKUSITULA OMUTINDO GW'ABAKAZI N'ABASAJJA

EKIWANDIIKO EKYEKENENYEZEBWA KU NKOLA Y'EDDEMBE LYA'BANTU N'EDDEMBE LY'ABAKYALA KU SSEMAZINGA WA AFRIKA

MAPUTO POLOTOCO

OMULEMBE OMUGYA KU DDEMBE
LY'ABAKYALA MU AFRIKA



Ministry of Gender, Labour and
Social Development (MGLSD)

October 2011

**EKIWANDIIKO EKYEKENENYEZEBWA KU
NKOLA Y'EDDEMBE LYA'BANTU N'EDDEMBE
LY'ABAKYALA KU SSEMazinga wa Afrika**

MAPUTO POLOTOCO

OMULEMBE OMUGYA KU DDEMBE
LY'ABAKYALA MU AFRICA

Uganda Women's Network

OMULAMWA: Ekibiina ekyetongodde okuva ku nyigirizibwa okusinziira ku kikula ky'omuntu.

EBIGENDERERWA: Okukwasaganyiza awamu bannakibiina ne bikikwatako ebirala nga bayita mu kukunganya ebyetagisa okuzimba obusobozi bwabwe n'okunonyereza ku nkola y'amateeka amalungamu mu kussa mu nkola omwenkanonkano mu Uganda.

Ebikulu Ebissiddwako Essira

1. Enkola y'amateeka
2. Omuyungagano mu bantu abalala
3. Enkwataganya mu mpuliziganya
4. Okunyweza n'okwongerera ammanyi mu kibiina

Emiramwa Emikulu Kwetutambulira:

- * Okussa ekitiibwa mu buli muntu
- * Okwewaayo
- * Obwanakyewa
- * Okuwa embalirira
- * Obutangaavu
- * Obwesigwa
- * Okutya katonda
- * Obwenkanya

Contents

Okwebaza.....	1
Ebyanjula.....	2
Ebinnyonnyola ku MAPUTO Polotoco.....	4
Maputo Polotoco N'amateeka G'ebitundu N'ensi Yonna.....	5
Ebiri mu Polotoco.....	7
AKAWAYIRO 1: Okunnyonnyola Obubaka Obw'awamu.....	8
AKAWAYIRO 2: Okumalawo Okusosolebwa Mu Bakyala.....	8
AKAWAYIRO 3: Eddembe Ku Bakyala Okuweebwa Ekitiibwa.....	9
AKAWAYIRO 4: Eddembe Okuba Omulamu, Ekitiibwa, N'obukuu mi.....	9
AKAWAYIRO 5: Okumalawo Ebikolwa Eby'obukambwe Mu Bakyala.....	10
AKAWAYIRO 6: Okufumbirwa.....	10
AKAWAYIRO 7: Okwawukana, Okunoba N'obufumbo Obutali Mu Mateeka.....	11
AKAWAYIRO 8: Okufuna Obw'enkanya N'obukuumi Mu Mateeka.....	11
AKAWAYIRO 9: Abakyala Okuwebwa Eddembe Mu Kwenyigira Mu By'obufuzi N'okubaga Amatteeka.....	12
AKAWAYIRO 10: Eddembe Ly'obwebange.....	12
AKAWAYIRO 11: Obukuumi Ku Bakyala Ku Busambattuko Bw'am aggye.....	12
AKAWAYIRO 12: Eddembe Ly'abakyala Ku By'enjigiriza N'okuten dekebwa.....	12
AKAWAYIRO 13: Eddembe Ly'abakyala Mu By'enfuna N'embeera Ezabulijjo.....	13
AKAWAYIRO 14: Eddembe Ly'abakyala Ku By'obulamu, N'okuzaa la.....	14

AKAWAYIRO 15: Eddembe Ku Mmere Emala Mu Maka.....	14
AKAWAYIRO 16: Okubeera N'amaka Agamala.....	15
AKAWAYIRO 17: Eddembe Ly'okwenyigira Mu By'obuwangwa.....	15
AKAWAYIRO 18: Eddembe Ly'okubeera Mu Bulamu Obweyagaza N'embeera Ennungi.....	15
AKAWAYIRO 19: Eddembe Ly'okwenyigira Mu By'enkulakula na.....	15
AKAWAYIRO 20: Eddembe Ly'abannamwandu.....	16
AKAWAYIRO 21: Eddembe Ku By'obusika.....	16
AKAWAYIRO 22: Obukuumi Obw'enjawulo Ku Bakyala Abakaddiye.....	16
AKAWAYIRO 23: Obukuumi Obw'enjawulo Ku Bakyala Abalina Obulemu Ku Mibiri Ggyabwe.....	17
AKAWAYIRO 24: Obukuumi Obw'enjawulo Ku Bakyala Abali Mu Buyinike.....	17
AKAWAYIRO 25: Okuziyiza Ebilkolwa Ebinyigiriza Eddembe Ly'a bakyala.....	17
AKAWAYIRO 26: Okuteeka Mu Nkola N'okulondoola Ebikolebwa.....	17
AKAWAYIRO 27: Okunnyonnyola Obubaka.....	18
AKAWAYIRO 28: Okusemba Ekiwandiiko Mu Butongole.....	18
AKAWAYIRO 29: Polotoco Okutekebwa Mu Bubage.....	18
AKAWAYIRO 30: Okussa Mu Nkola Ebyakkiriziganyizibwako Mu Polotoco N'okubyekbejja.....	18
AKAWAYIRO 31: Obwetengerevu Bwa Polotoco.....	18

OKWEBAZA

Ekkibiina ky'abakyala ekyegattidde awamu ekya UWONET (Uganda women Network). UWONET kituusa okusiimira ddala abebuuzibbwako, ebyo byonna byebataddemu okulaba nga ekiwandiiko kino kitekebwarekebwa era ne kifulumizibwa.

UWONET essiima omukaggo ogwa wamu wakati w'ekibiina ekirwanyisa okunyigirizibwa mu bakyala eky'e Kenya (Violence Against Women Kenya), (COVAW) n'ekya "African Women's Rights (SOAWR) abasooka okufulumya ekiwandiiko kino.

Okwebaza okwenjawulo kugenda eri ekitongole kya UNFPA –Uganda, ekiyambye ennyo okulaba nga ekiwandiiko kino kiddamu nate okukubibwa mu kyapa era ne kifulumizibwa wansi wa gavumenti ya Uganda n'enteegeka y'ekibiina kino(UNFPA) era nga Uganda y'ensi ey'omusanvu mwekifulumidde.

EBYANJULA

Ekibiina kino ekya Uganda Women's Network (UWONET) kyasembewwa mu nkola zakyo era eri bannabyabufuzi, ebibiinna ebyetongodde okuva ku gavumenti n'abantu sseki n'omu era emirimu gyakyo kigyikolera mu Uganda. Obwamemba mu kibiinna bwekuusa ku kibiinna ky'a bakyala ekya "National Women's Organisation" ne basse kin'omu era kya wandiisibwa ng'ekibiinna ekiyambi ekitali kya gavumenti ne yaffeesi zakyo enkulu ziri mu Kampala-Uganda.

Ekiwandiiko kikwata ku ddembe ly'obuntu, eddembe ly'abantu, n'eddembe ly'abakyala mu Africa. Kimanyiddwa nga Maputo Polotoco yatekebwa mu bubage mu mwezi gwa Mesenene 2005 era kiwa omukyala wa Africa okweyagalira mu ddembe lye omuli eddembe ly'okwenyigira mu by'obufuzi, omwenkanonkano mu mbeera eza bulijjo n'eb'obufuzi n'abaami; okukuuma n'okutumbula eby'obulamu by'abakyala, n'okukomya ebikolwa eby'okabasanya bakyala.

Nga erinnya bweriri, lyalondebwa ab'ekibiina ky'omukago gwa Africa (African Union) mu ngeri y'omulamwa ku nsonga y'eddembe ly'obuntu n'eddembe ly'abantu ku ssemazinga w'Africa.

Ekibiinna kyesigama nnyo mu kussa mu nkola obukulu bw'omukyala mu kukuuma ennonno ng'omukyala mu Afrika, nga kigesigamya ku bwenkannya mu kuwa abakyala emirembe, eddembe ery'obwebange, ekitiibwa, obwenkannya, obumu wamu n'okuwa abakyala omukisa okuba abassale mu nkalakulana.

Ekibiinna kitambulira ku bigendererwa, byakyo ebikulu omuli okulaba nga eddembe ly'abakyala ku ssemazinga litekebwa mu nkola, n'okutumbula omwenkanonkano mu bakyala n'abaami. Kikakase nti abakyala nga bali wamu, n'abo bassekinoomu, bawebwa eddembe ng'ebitongole ebirwanirizi by'eddembe mu nsi yonna bwe bikirambika birwanirira e eddembe ly'omukyala.

Ekiwandiiko kino ku mulundi guno kifuunzizza obubaka obukwata ku ddembe ly'omukyala mu Africa era kyangu kyakuwa nga eky'okulabirako nga ekiwandiiko ekirungi ekikwata ku ddembe ly'omukyala w'Africa. Ekiwandiiko kino kirina omuyungirano n'ebitongole ebikwata ku ddembe ly'omuntu mu nsi yonna, mu bitundu eby'enjawulo naddala ebyo ebirwanirira eddembe ly'abakyala era kigenderedde okubunyisa obubaka mu bantu ng'obubaka bufunziddwa mu lulimi olutegeerekeka obulungi.

Rita Aciro Lakor
Nankulu UWONET

Ebinnyonnyola Ku Maputo Polotoco

Nazzikuno, ng'abakyala batwalibwa ng'abantu abawansi mu mbeera ez'eddembe ely'abantu. Ekiwandiiko kya Maputo kikwata ku ddembe ly'abakyala era kiragibwa mu ndagaano za Africa ezikwata ku ddembe ly'abantu mu mwaka 1981.

Eddembe ly'abantu lya nkizo eri Abafirika wamu n'embeera zaabwe era ekibiina kino tekittunnuulidde ddembe lyansi yonna lyokka wabula, kirwanirira eddembe ely'awamu. Naye, ekiwandiiko kikaka amawanga okukomya okusosola abakyala wabula kiteekewo empagi ezikugira abakyala obutayisibwamu mmaaso era n'okukozesa eddembe lyabwe obulungi (Tunnuulira obuwaayiro; 2, 3 ne 18).

Eby'obuwangwa biwerako naye nga bikontana n'eddembe ery'abakyala. N'oly'ekyo, kitunnuulirwa ng'ekyetaago olwo abakyala basobole okufuulibwa ebitonde ebigya wano mu Africa. Omulimu guno gwafuuka mwangu okuyita mu kawaayiro ka 66 n'endagganno ez'enjawulo ez'akolebwa. Newankubadde abakyala b'Afirika bakuyasisinkana obuzibu bw'okusosolebwa, ekiwandiiko kya Maputo kigezezako okukendeza ku busosoze obwo.

Olukungaana lw'abakulembeze b'amawanga ga ssemazinga w'Afirika olw'omulundi ogw'assatu mu lumu (31) olwatuula mu June 1995 mu Addis Ababa, lwabaga ekiwandiiko ekinnyonnyola obulungi ku ddembe ly'abantu era n'abakyala.

Okuviira ddala mu mwaka gwa 1995, enkungaana zatuula ng'ekigendererwa ekikulu kwe kulaba nti abakyala bafuna eddembe lyabwe ery'obwebange era enkungaana zino zategekebwako mu Rome nate wakati wa 1998 ne 1999 era ne zitegekebwako mu bitundu nga Banjul, Dakar ne Kigali. Olukiiko lw'abakugu lwatuula mu kibuga ekikulu Addis Ababa eky'Ethiopia ne bakubagannya ebirowoozo ku kiwandiiko ekyasooka mu Polotoco eno. Olutuula olw'okubiri, lwatuula mu March mu mwaka 2003 era ekiwandiiko kino ne kikannyizibwako okuyita mu kukubagannya ebirowoozo okwaliwo.

Mu July w'omwaka 2003, abakulembeze b'amawanga ga ssemazinga w'Africa batuula mu lukungana olutegekebwa buli mwaka era ne bateesa ku Polotoco eno ekwata ku ddembe ly'obuntu n'abantu ng'eyogera ku dembe ly'abakyala ku ssemazinga w'Afrika. Nga 25 musenene 2005, ku mawanga 53 agegattira mu mukago ogwa "African Union", 15 kugo, gaasemba ekiwandiiko kino era nekitekebwa mu bubage. Mu mwaka 2010, ne Uganda nayo newagira Polotoco eno nga 22 July 2010.

Maputo Polotoco N'amateeka G'ebitundu N'ensi Yonna

Ensi yonna okutwaliz'awamu, yatunuulira omwenkanonkano okuva ekibinna ky'ensi yonna ekya United Nations bwe kyazibwa obugya mu 1945. Ekibiina kino eky'ensi yonna, kyakiriza omwenkanonkano wakati w'ebitonde ebbibiri ekikazi n'ekisajja mu 1948. Mu 1966, ekiragaano ekyo kyakirizibwa, ne kigaanira ddala obusosoze ate era kyaffuula omwenkanonkano okubeera e mpagi luwaga ekiwandiiko kwe kitambulira.

Entuula ez'okugyawo engeri zonna ez'obusosoze eri abakyala (CEDAW) zitwala ekifo kya kumwanjo nnyo okuleetawo eddembe mu bakyala era entuula ziraga engeri ebigendererwa ebyo gy'obiyinza okubituukako mu teeka ly'ensi yonna ku ddembe ly'abakyala. Emu ku nsonga z'ekitongole ekikuuma ddembe ekya amawanga amagatte (UN 182 yakirizibwa mu June 2008, yakirizigannya n' akawaayiro aka 11 mu Polotoco eno akawa obukuumi abakazi abannyigirizibwa mu nsonga z'amagye. Ekiteeso kino kikkattiriza ku ensonga ey'okunyigirizibwa kw'abakyala okukyase ennyo nga bakakibwa omukwano mu biseera eby'entalo. Ebyateesebwako bikubira abakulembeze b'amawanga omulanga okutukiriza obuvunannyizibwa bwabwe n'okukankavula amawanga agalimu ebikolobero nga gasibwaako envumbo .

Akawaayiro ak'okubiri(2) n'ekkumi n'omunaana(18) akakwata ku dddembe ely'obuntu, kakubiriza abakulembenze b'amawanga okugyawo obusosoze eri abakyala ate n'okubeera nga baweebwa eddembe lyabwe. Era ebyateesebwako mu Maputo Polotoco birambika bulungi engeri ez'okugyawo okusosolwa kw'abakyala. Mu 1995, ssemateeka wa Uganda alambika bulungi omwenkanonkano mu kawaayiro ka 21 (3). Obusosoze butunuribwa nga enjawukana mu ngeri abantu gye bayisibwamu ng'okusingira ddala basinziira ku kikula ky'omuntu. Ssemateeka akugira eby'obuwangwa n'ennono zonna ezigezaako okulemesa eddembe ly'abakyala. Era gavumenti ya Uganda effubye okuteekawo amateeka agakugira abakyala obutamibwa ddembe lyabwe naye waliwo ebitundu ebimu ebikyalemeseza amateeka gano okuteekebwa mu nkola. N'olw'ekyo, abakyala mu Uganda ne mu bitundu ebimu tebannattuuka ku kufunira ddala ddembe ly'obwebange.

Akawaayiro ku tteeka ly'omwenkanonkano mu mwaka 2007, kawa omukyala obuyinza okwenyigira mu mirimu egy'enjawulo nga tasosoddwa okusinzira ku kikula kye, n'okweyagalira mu ddembe lye ng'omukyala ng'akola emirimu egy'enjawulo. Akawaayiro 5 mu Polotoco eno kagattiddwa ku obwo obwa Uganda obwa 2009 obukwata ku kutayirira abakazi era akawaayiro kano kavunaana oyo aba akabasanyiza ng'assibwa mu kkooti. Waliwo ennongosereza mu tteeka ng' egenderera ku kuuma ddembe ly'omukyala gamba nga 'etteeka erikwata ku kuwasa n'okunoba mu maka.

Newankubadde nga Maputo Polotoco eyogera ku ngeri eddembe ly'abakyala okutumbulwa, naye enokolerayo ddala amateeka agakuuma abakyala wamu n'abawala mu Africa ng' omulamwa eggusa ku by'obuwangwa.

EBIRI MU POLOTOCO

Polotoco egabanyiziddwamu mu bitundu bisatu:

Ekisooka: Okutunulira ensibuko y'ekizibu wamu n'onnyonnyola ekiwandiiiko n'okuwa ensonda enekusifu mu bitundu by'eggwanga ne mu mawanga amalala ezikwata ku ddembe ly'abakyala.

Eky'okubiri: Kiraga engeri eddembe gy'erikwatibwamu Polotoco

Eky'okusatu: Okutunulira n'okussa mu nkola amateeka agabagiddwa.

- * Eddembe mu by'abulijjo n'eby'obufuzi.
- * Eddembe mu by'enfuna, eby'obuwangwa n'eby'obulamu obwabulijjo.
- * Eddembe mu kutumbula eby'enkulakulana n'emirembe.
- * Eddembe mu mbeera z'abakyala mu kuzaala.

Ekiwandiiiko ku ddembe kyawulwamu obuwaayiro buno wamanga:

- * Akawayiro 1: Okunnyonnyola Obubaka Obwawamu
- * Akawayiro 2: Okulwanyisa n'Okumalawo Okusosola mu Bakyala.
- * Akawayiro 3: Eddembe ku Bakyala Okuwebwa Ekitiibwa.
- * Akawayiro 4: Eddembe ku Bulamu Bw'abakyala, Obw'enkanya, Empisa N'okuwebwa Obukuumi.
- * Akawayiro 5: Okumalawo Ebikolwa Eby'obukambwe mu Bakyala (Obuliisa Maannyi, Okkabasanya Abakyala N'ebikolwa Eby'obukambwe Ne By'ekinnansi).
- * Akawayiro 6: Abakyala Okufumbirwa / Obufumbo Obutuufu.
- * Akawayiro 7: Okwawukana, Okunoba N'obufumbo Obutali mu Mateeka
- * Akawayiro 8: Eddembe Ly'okufuna Obw'enkanya Mu Mateeka N'okuwolerezebwa.
- * Akawayiro 9: Eddembe Ly'okwenyigira Mu By'obufuzi n'okubaga Amateeka.
- * Akawayiro 10: Eddembe Ly'obwebange
- * Akawayiro 11: Obukuumi ku Bakyala ku Busambattuko Bw'amaggye.

- * Akawayiro 12: Eddembe Ly'abakyaala Ku By'enjigiriza N'okutendekebwa Okw'enjawulo.
- * Akawayiro 13: Eddembe Ly'abakyaala Mu By'enfuna N'embeera Eza Bulijjo.
- * Akawayiro 14: Abakyaala Okuweebwa Eddembe Mu By'obulamu Naddala Nga Bali Mu Ssanya.
- * Akawayiro 15: Okubeera N'emmere Emala Mu Maka.
- * Akawayiro 16: Okubeera N'ebikozesebwa Ebimala e Waka.
- * Akawayiro 17: Okutumbula Eby'obuwangwa
- * Akawayiro 18: Okutumbula Eby'obulamu N'okubeera Mu Mbeera Ennungi.
- * Akawayiro 19: Okutumbula Enkulakulana
- * Akawayiro 20: Bannamwandu Okuwebwa Eddembe
- * Akawayiro 21: Okuba n'Obuyinza Ku By'obugagga
- * Akawayiro 22: Abakyaala Abakadde Okuba N'obukuumi Obw'enjawulo.
- * Akawayiro 23: Obukuumi Obw'enjawulo Kuba Bakyala Abalina Obulima Ku Mibiri Gyabwe.
- * Akawayiro 24: Obukuumi Obw'enjawulo Ku Bakyala Abalina Obuyinike N'obulumi Nga Bafiriddwa.
- * Akawayiro 25: Okuziyiza Ebikolwa Ebinyigiriza Eddembe Ly'abakyaala

AKAWAYIRO 1: Okunnyonnyola Obubaka Obw'awamu

Akawayiro kano k'eyolekeramu okunnyonnyola obubaka /ebigambo eby'eyambisiddwa mu kiwandiiko. Maputo Polotoco ennyonnyola engeri abakyaala gye basosolebwamu, okutulugunyizibwa mu mbeera ezitali zimu, abakyaala okunyigirizibwa n'okulinyirira eddembe lyabwe n'ebirala.

AKAWAYIRO 2: Okumalawo Okusosolebwa Mu Bakyala

Akawayiro kano kabaguliza ku gavumenti oba banna bya bufuzi okusitukiramu okulanga;

- a) Ssemateeka n'amateeka amalala oba agamu gakolebwa nga gatumbula obwenkanya wakati w'abaami n'abakyaala.
- b) Okukola n'okuteeka amateeka agaziyiza ebikolwa eby'obukambwe ku bakyala n'embeera ezitali zimu.

- c) Abakyala benyigire mu kukola amateeka, mu ntekateeka ez'okwekulakulannya ne mu mirimu gyonna awatali kuborebwa.
- d) Okusitula eddobbozi ery'awamu nga beerwanako okulwanyisa obusosoze mu bakyala nga bayita mu mateeka.
- e) Okuwagira enkola ezirubirira okumalawo enkola oba embeera zonna ezisosola omukyala ow'omulembe guno mu mbeera ez'enjawulo.

Gavumenti era esabibwa okuvaayo okukyusa embeera n'eby'obuwangwa by'abakyala n'abaami okutwalira awamu ng'eyita mu by'enjigiriza, enkola za tekinologiya aliwo n'ekigendererwa eky'okukendeeza oba okumalawo eby'obuwangwa ebifeebya n'okunyigiriza abakyala (okutayiribwa)

AKAWAYIRO 3: Eddembe Ku Bakyala Okuweebwa Ekitiibwa

Kano kawa enkizo buli mukyala okussibwamu ekitiibwa ng'omukyala, nga yenyigidde mu by'enkulakulana nga tanyigiriziddwa, nga tanyomwebwa nabuli ngeri yonna evvoola ekitiibwa kye, gamba nga okukabasanyizibwa n'okuvvoolebwa.

AKAWAYIRO 4: Eddembe Okuba Omulamu, Ekitiibwa N'obukuumi

Kano kawa buli mukyala ebbeetu ery'o kumugondera, okuwa ekitiibwa obulamu bwe, n'obukuumi. Mu kawayiro kano, okukakasa nti abakyala baganyulwa, gavumenti erina;

- a) Okussa amateeka mu nkola agalubirira okumalawo engeri zonna ezinyigiriza abakyala mu bitongole eby'obwananyini ne bya gavumenti.
- b) Okussawo enkola ennungamu eziyamba okuziyiza ebibonerezo ebikakali ku bakyala nabuli mbeera zonna ezinyigiriza ekitonde ekikazi oba abakyala.
- c) Okuzuula embeera n'ebizibu ebiva ku mukyala/abakyala okunyigirizibwa wamu n'okubisalira amagezi.
- d) Okutumbula eby'enjigiriza okusobola okumalawo embeera ezinyigiriza abakyala nga ziva ku kiririza mu by'obuwangwa n'okussaawo amateeka agalubirira okumalawo okunyigirizibwa kw'abakyala.
- e) Okutumbula /okuyimusa embeera z'abakyala nga wabagibwawo enkola ezirubirirwa okuyimusa n'okubuddabudda abo abanyigirizibwa wamu

n'okubasasula.

- f) Okubagawo enkola eziyitibwamu okubuddabudda abo abatuusiddwako obuzibu mu kunyigiriza abakyala.
- g) Okukomya mbagirawo okutuntuza abakazi (abakyala) okusiba abo abakikola wamu n'okukuuma abakyala (abakazi) ababa batuusiddwako obuzibu.
- h) Okukomya ebikolwa byonna ebiteeka obulamu bw'abakyala mu matigga.
- i) Okuweebwa ebyetyagisa byonna naddala bwe baba bagezaako okussa mu nkola n'okulondoola ebyo byonna ebirubirira okuziyiza n'okumalawo okunyigiriza abakyala.
- j) Okakasa nti ebibonerezo eby'okuwanika ku kalabba mu nsi gyebikyali, byejjerezebwa abakyala abembuto wamu n'abazadde.
- k) Okukakasa nti abakyala baweebwa obuyinza obwekyenkanyi n'abasajja ku ngeri gye bafunamu obubuddamu n'obukuumi mu mawanga amalala wamu n'okuwebwa enkizo mu tteeka ly'ensi yonna erifuga obubuddamu.

AKAWAYIRO 5: Okumalawo Ebikolwa Eby'obukambwe Mu Bakyala

Akawayiro kano, kalubirira okukomya mbagirawo engeri zonna ez'obukambwe ku bakyala era n'ezikontana n'eddembe ly'abakyala, wamu n'ezikontana n'eddembe ly'ensi yonna.

Gavumenti ekubirwa omulanga okutegeeza ensi yonna ku bulabe obuli mu kutulugunya abakyala. Ebagewo era esse mu nkola amateeka agalubirira okulwanyisa ebikolwa eby'okukabasanya abakyala wamu n'okukulusanya obulamu bwabwe.

Mu ngeri yemu, abakyala baweebwe obujjanjabi, amagezi n'okubuddabuddibwa singa babeera batusibwako obulemu ng'obwo, wamu n'okubawa obukuumi obubawonnya okufuna obuzibu.

AKAWAYIRO 6: Okufumbirwa

Akawayiro kano kawa eddembe eryekyenkanyi mu bufumbo wakati w'omusajja n'omuikazi. Gavumenti eweebwa amagezi okukola/okubaga amateeka agawa omukyala omufumbo obuyinza obwekyankanyi nga obw'omusajja, okugeza abakyala okufumbirwa mu malya agasoba mu limu ng'abasajja.

Eddembe ery'ekyankanyi liweebwa omwami n'omukyala lokusalawo wa webalibeera. Omukyala omufumbo alina eddembe okusigaza erinnya lye wamu n'eggwanga lye oba okufuna obutuuzze bya bba. Omwami n'omukyala bawebwa obuyinza obwekyenkanyi okusalirawo omwana wabwe obutuuzze.

Akawayiro kano kongera okuwa enkizo abafumbo bombi okukuuma ebintu by'omu makagabwe, okusomesa abaana babwe, ate omukyala n'awebwa enkizo/eddembe okufuna eby'obugagga n'okubikuuma.

AKAWAYIRO 7: Okwawukana, Okunoba N'obufumbo Obutali Mu Mateeka

Abafumbo bombi bawebwa eddembe erye kyenkanyi okwawukana mu bufumbo bwebaba nga basazeewo. Kino kibaawo oluvanyuma lwa kkooti okubasalirawo ku ngabannya y'ebintu by'omu maka, n'obuvunanyizibwa bwebalina ku baana babwe.

AKAWAYIRO 8: Okufuna Obw'enkanya N'obukuumi Mu Mateeka

Kano kanokolayo abakyala n'abaami okuba nga balamulwa kyenkanyi mu kkooti y'amateeka, era ng'amateeka ga bayamba n'okuganyurwa.

Mukutukiuriza kino, Gavumenti erina kukakasa nti abakyala amateeka agaliwo bagaganyulwanu era tegabanyiriza era basobola bulungi okwekubira enduulu mu kkooti. Mu ngeri y'emu, watekebwewo emisomo n'enkola ey'okubangula abakyala ku ddembe ly'abwe.

Mu ngeri y'emu, akawayiro kongera okulaga nti ebitongole eby'amateeka bisobola bulungi okutaputa n'okusa mu nkola etteeka eritumbula ekitonde ekikazi naddala ng'abakyala bakikiriddwa mu bitongole by'amateeka. Akawayiro kassa ennongosereza mu matteeka agasosola abakyala mu bifo/ ebitongole ebitali bimu nga kalubirira ku kuuma n'okutumbula eddembe ly'abakyala.

AKAWAYIRO 9: Abakyaala Okuwebwa Eddembe Mu Kwenyigira Mu By'obufuzi N'okubaga Amatteeka.

Kano kakasa abakyaala okuba nga balina obuyinza obumala mu kwenyigira mu nsonga z'eby'obufuzi n'okubaga amatteeka. N'olwekyo, gavumenti ekubirwa omulanga okutumbula omukyala okuba n'obuyinza/eddembe mu kwenyigira mu kubaga amatteeka wamu n'okukikirirwa ku buli ddaala.

AKAWAYIRO 10: Eddembe Ly'obwebange

Kano kawa abakyaala ebbeettu okubeera mu miremba n'okulyeyagaliramu n;eddembe mu by'ebakola. N'olw'ekyo, gavumenti erina okukakasa nti abakyaala benyigira mu nteekateeka n'emisomo egitumbula emirembe n'okusala entotto ku bintu ebimalawo emirembe. Okuwa obukuumi abo ababundabanda olw'entalo, abasenguddwa, abanoonya obubudamu n'abakomyewo okuva mu buwanganguse okusingira ddala abakyaala.

Gavumenti essabibbwa okukeendeza ensansanya ya sente ku by'okulwanyisa esobole okuza sente ezo okulukulanya n'okuwa obukuumi abakyaala.

AKAWAYIRO 11: Obukuumi Ku Bakyaala Ku Busambattuko Bw'amaggye

Kano kogera ku ngeri abakyaala n'abaana naddala abaana abawala gy'ebesanga nga bali mu nsonga z'amaggye. Gavumenti eyitibwa okuvaayo okuyamba/okuwa obukuumi abantu ababulijjo, abakyaala n'ababbundabunda olw'entalo, abanoonyi b'obubuddamu, abakomyewo okuva mu buwangangusen'abatat aganyiziddwa olw'embeera ezitali zimu.

Kogera kwabo abatulugunyiziddwa mu ntalo wamu n'abo ababatulugunyiza okutwalibwa mu kkooti era bawozesebwe. Gavumenti ekakase nti tteri mwana muwala ali wansi w'emyeka 18 yenyigira mu by'ekijjaasi.

AKAWAYIRO 12: Eddembe Ly'abakyaala Ku By'enjigiriza N'okutendekebwa

Wano, gavumenti ekubirwa omulanga okusitukiramu okulaba nga erwanyisa abikolwa ebinyigiriza n'okutukugunya abakyaala n'okubawa omukisa ogw'ekyenkanyi nga basoma. Kawa obukuumi omwana omuwala obutanyigirizibwaa gamba obutakabasanyizibwa n'okumuwa obukuumi mu matteeka singa atuasibwako ebikolwa eby'obukambwe.

Me ngeri y'emu, abakyala bagwanidde okubudabudibwa singa baba batusiddwako ebikolwa eby'obukambwe omuli okabasanyizibwa.

Kongera okuwa gavumenti amagezi okukyusa eby'ensoma ku buli ddaala naddala okuwa abaana abawala omukisa gw'okusoma, ensoma ene bayamba mu bulamu bwabwe obw'omu maaso nga yesigamiziddwa ku mwana omuwala okusoma buli ddaala mu by'enjigiriza okusingira ddala mu masoma g'ebyuma bikalimagezi.



AKAWAYIRO 13: Eddembe Ly'abakyala Mu By'enfuna N'embeera eza bulijja

Mu kano akawayiro, gavumenti egwanidde okuwa abakyala omukisa okwenyigira mu mirimu egye njawulo ejj'obuvunanyizibwa; n'okuwebwa emisaala wamu n'obusiimo obuwebwa ku mirimo egyo. Abakyala okuba nga tebanyigirizibwa ku mirimo eri bakama babwe, n'obwenkanya mu kugaba emirimo gino.

Gavumenti evunanyizibwa okutumbula n'okuwagira eby'enfuna n'emirimo gy'abakyala ng'eyita mu bitongole eby'obwanakyewa.

Okubagawo emyaka egitandikirwako okukola n'okukomya okukozesa abaana abatanetuuka ku mirimo naddala abawala. Abakyala okuba nga bakola kinene ku by'enfuna by'amaka n'okuwebwa enkizo ku mirimo okuwummula nga bagenda okuzaala n'ebwebaba nga bamalirizza okuzaala.

Kino kisobozesa abazadde okukuza obulungi abaana baabwe era kiyiyiza abakyala okubeera nga tebakozesebwa mu kulanga ebirango n'ebifaananyi eby'obuseegu.

AKAWAYIRO 14: Eddembe Ly'abakyala Ku By'obulamu N'okuzaala

Akawayiro kano kayimirirawo okuwa eddembe abakyala okukendeza ku muwendo gw'abaana be bazaala, n'okusalawo okuzaala oba obutazaala nga benyigira/bakoseza enkola ey'ekizaalaggumba.

Mu ngeri y'emu, kawa omukyala eddembe okwekuuma n'okwetangira ebirwadde by'ekikaba nga n'essirimu mw'omutwalidde. Ekiwandiiko kirambika eddembe ly'abakyala okumanya obulamu bwabwe bwebuyimiridde nga beekebeza n'bagalwa babwe, nga bafuna n'emisomo egikwata ku nkola y'ekizaalaggumba.

Gavumenti erina okutumbula eby'obulamu mu bakyala ng'eyita mu ku saawo eby'obulamu eby'eyagaza omukyala ,amalwaliro agasookerwako wansi mu bakyala. Mu ngeri y'emu nga bwessa/bwetadde essira ku mbeera y'abakyala abali embuto n'abo ababa basumulukuse era nga bayonsa ng'ebawa amagezi okufuna emmere ebagasa.

Akawayiro kano kawa obukuumi omukyala okubeera n'eddembe mu kuzaala naddala nga bakkirizibwa okuggyamu embuto ze bateyagalidde nga ziva mu kukwatibwa nga bakakakiddwa mu mukwano, ze bafuna ku be nganda z'abwe, n'embuto ze bafuna oba zebayinza okufuna naye nga ziyinza okukosa obulamu bwabwe n'omwana agenda okuzaalibwa.

AKAWAYIRO 15: Eddembe Ku Mmere Emala Mu Maka

Gavumenti erina obuvunanyizibwa okulaba nga abakyala babeera n'emmere ebamala obulungi mu maka. N'olw'ekyo, gavumenti ekubirwa omulanga okuyamba abakyala okuba n'amazzi amayonjo mu maka, ebikozesebwa awaka, ettaka n'engeri ennungi ey'okulimamu emmere ebagasa n'okubakolera ebyaagi kibayambe okukuuma emmere ebamala awaka.

AKAWAYIRO 16: Okubeera N'amaka Agamala

Akawayiro kano kawa abakyala eddembe okubeera mu bulamu obweyagaza mu maka. Gavumenti okkukakasa kino, erina okuwa abakyala ebbeetu nga tefudde ku mbeera zabwe ez'obufumbo n'abakyala okuba n'amayumba.

AKAWAYIRO 17: Eddembe Ly'okwenyigira Mu By'obuwangwa

Akawayiro kano kawa abakyala eddembe okwenyigira mu by'obuwangwa n'okukola amateeka agabifuga. N'olw'ekyo, gavumenti erina okussawo enkola erubirira abakyala okutumbula eby'obuwangwa n'okubyenyigiramu ku buli mutendera.

AKAWAYIRO 18: Eddembe Ly'okubeera Mu Bulamu Obweyagaza N'embeera Ennungi

Kano akawayiro kawa abakyala eddembe ly'okweyagalira n'okubeera mu bulamu obulungi n'embeera ennungi. Gavumenti erina okulaba nga abakyala benyigira mu kuteekateeka n'okukuuma obutonde bw'ensi obubeetolodde. Okunonyereza n'okuteeka ensimbi mu by'obugagga eby'ensibo kiyambe abakyala okubyenyigiramu nga babikuumu. Gavumenti ekubirwa omulanga okukuuma obutonde n'okuyamba okusitula eddobozi ly'abakyala aba wansi mu ku bunyisa engiri ku ngeri y'okukuuma ebyo ebyonoona obutonde bw'ensi.

AKAWAYIRO 19: Eddembe Ly'okwenyigira Mu By'enkulakulana

Kano akawayiro kawa omukyala eddembe ly'okweyagalira n'okwenyigira mu nkulukulana y'eggwanga. N'olw'ekyo, gavumenti ejja kabagawo enkola abakyala gyebenyigira mu nkola ezirubirira okulakulanya eggwanga ez'enjawulo.

Gavumenti ejja kutumbula abakyala mu kukuuma eby'obugagga eby'ensibo omuli ettaka n'okubawa obuyinza ku bintu byabwe, okubawola, okutendekebwa okufuna obukugu n'okwongezaayo okukola kwabwe.

Mu engeri y'emu, gavumenti eteeka amaanyi mu nteekateeka eziyamba abakyala okwejja mu bwavu nga bwabakendeza ebintu ebinyigiriza abakyala mu by'enfuna by'ensi yonna.



AKAWAYIRO 20: Eddembe Ly'abannamwandu

Bannamwandu bajja kuweebwa eddembe ku bintu byababba babwe nga baffudde n'okubeera nga tebatulugunyizibwa, n'okunyigirizibwa ab'enganda z, ababba baabwe.

Namwandu afuuka omukuumi w'abaana nga bba afudde. Namwandu era aweebwa eddembe okuddamu okufumbirwa omusajja gweyeesiimide okugyako nga kinyigiriza embeera z'abaana.

AKAWAYIRO 21: Eddembe Ku By'obusika

Namwandu alina eddembe okugabana ku by'obugagga bya bbawe n'okusigala mu nyumba jabaddemu ne bba. Singa abeera azeemu okufumbirwa, alina eddembe okusingala mu nyumba oba n'agisikira singa aba agisikidde. Mu ngeri y'emu, abakazi n'abasajja bajja kuba n'eddembe okusikira eby'obugagga bya bakadde baabwe.

AKAWAYIRO 22: Obukuumi Obw'enjawulo Ku Bakyala Abakaddiye

Gavumenti erinaobuvunanyizibwa okuwa obukuumi obwenjawulo abakyala abakaddiye n'okubalabirira mu bulamu bwabwe obwa bulijjo, mu by'enfuna, eby'etaago by'awaka okubafunira emirimo n'okubawa emisomo egibabangula.

Mu ngeri y, emu ebawe obukuumi okubatangira ebikolwa ebibanyigiriza nga okabasanyizibwa n'okusosolebwa okusinzira ku myaka gyabwe.

AKAWAYIRO 23: Obukuumi Obw'enjawulo Ku Bakyala Abalina Obulemu Ku Mibiri Ggyabwe

Gavumenti mu kawayiro kano ekubirwa omulanga okuvaayo okuyimusa ekitiibwa n'eddembe ly'abakyala abalina obulemu ku mibiri ggyabwe. Mu ngeri y'emu, egwanidde okulaba nti embeera z'abakyala bano, eby'enfuna n'embeera eza bulijjo bifiibwako nga mw'otwalidde okubafunira emirimu, okutumbula embeera zabwe nga bayita mu kubangulwa mu masomo ag'enjawulo, ag'emikono n'okwenyigira mu kukola amateeka. Kawa obukuumi abakyala abalina obulemu ku mibiri gyabwe obutanyigirizibwa naddala nga babakabasanya mu by'omukwano n'okusosolebwa okusingira ddala ku kikula kyabwe.

AKAWAYIRO 24: Obukuumi Obw'enjawulo Ku Bakyala Abali Mu Buyinike

Akawayiro kano kassa obukuumi ku ddembe ly'abakyala abalina embuto, abasibiddwa nga bali mu nkomyo, abali mu bwavu, abalabirira amaka, n'abakyala abali mu bitundu nga tebalina mwasirizi. Era kassa obukuumi ku bakyala bano nga balina okuweebwa ekitiibwa kyabwe ekibasaanidde.

AKAWAYIRO 25: Okuziyiza Ebikolwa Ebinyigiriza Eddembe Ly'abakyala

Gavumenti ejja kussa mu nkola ebyo byonna ebirubirirwa okutumbula eddembe ly'abakyala. Ejja kumalawo byonna ebinyigiriza eddembe ly'abakyala ng'ayita mu mateeka.

AKAWAYIRO 26: Okuteeka Mu Nkola N'okulondoola Ebikolebwa

Okukuuma obulungi eddembe ery'ogerwako mu Polotoco eno gavumenti erina okussa mu nkola eby'ogeddwa ku Polotoco ku ddaala lya waggulu mu nsi, nokulaga ebivuddemu buli kiseera ku ngeri eby'ogerwako gye bitambulizibwamu. Gavumenti esabibwa okuwa embalirira kw'ebyo ebikoleddwa n'ekunsasaanya ku bintu ebirala okuluubirira okussa mu nkola ebiri mu Polotoco.

AKAWAYIRO 27: Okunnyonnyola Obubaka

Kooti y'Africa ku ddembe ly'obuntu n'abantu ejja kutaputa amateeka n'okussa mu nkola ebyo ebiri mu Polotoco eno.

AKAWAYIRO 28: Okusemba Ekiwandiiko Mu Butongole

Ekiwandiiko kino kijja kutwalibwa mu bakulu b'amawanga okukisemba n'okukissaako emikono. Mu ngeri y'emu, ekiwandiiko kino bweneeba nga kiwedde okukakasibwa, kijja kutwalibwa ewa ssentebe w'akakiikol akafuga omukago gw'amawanga ga Africa.

AKAWAYIRO 29: Polotoco Okutekebwa Mu Bubage

Oluvanyuma lw'amawanga agali mu mukago ogw'awamu ogwa Africa (African union) okusemba Polotoco eno, ebiri mu byatekebwa mu nkola nga 25, musenene 2005.

AKAWAYIRO 30: Okussa Mu Nkola Ebyakkiriziganyizibwako Mu Polotoco N'okubyekebejja

Oyo yenna eyandyetaaze okuleeta ebiteeso ku bbago lya Polotoco eno n'okulongoosamu, akikola ng'akissa mu buwandiike ng'ayita mu ssentebe w'akakiiko akafuzi ak'omukago ogugatta amawanga g'Africa, obutasukka naku assatu (30)

Akakiiko akawi k'amagezi kajja kwekennenya ebirowoozo ebireteddwa bisobole okutekebwa mu bubage kalabe oba bikirizibwa oba okugobebwa.

AKAWAYIRO 31: Obwetengerevu Bwa Polotoco

Tewali kawayiro konna mu Polotoco kanaawa nkizo eziyitiridde ku ndala mu kutunuulira eddembe ly'abakyala mu ggwanga, mu bitundu mwebali n'emu mateeka g'ensi yonna.

EBBAGO LY'ENSI YONNA KU DDEMBE LY'OBUNTU N'ENGERI GYE LYOGERA KU DDEMBE LY'ABAKYALA

- * Etteeka liwa buli muntu eddembe lye n'okulyeyagaliramu erya 1948
- * Endagaano y'ensi yonna ku by'enfuna, obulamu obwa bulijjo, n'eby'obuwangwa erya 1966 ku ddembe ly'ensi yonna.
- * Etteeka eryakyeyagalire ery'ensi yonna ku ndagaano ku ddembe ly'abantu ne mu by'obufuzi
- * Endagaano y'eby'obufuzi n'embeera eza bulijjo erya 1966
- * Polotoco ku ndagaano y'ensi yonna ku ddembe ly'omuntu owa bulijjo n'eby'obufuzi n'okumalawo ekibonerezo eky'okuwanikibwa ku kkalabba.
- * Polotoco ku ndagaano y'okumalawo ebikolwa byonna mu kusosola abakyala
- * Etteeka eriwa obukuumi abakyala n'abaana mu mbeera ez'obubenje n'okutulugunyizibwa ab'amagye.
- * Etteeka erimalawo okutuntuzibwa n'okunnyigirizibwa mu bakyala

EBBAGO LY'ETTEEKA LY'EBITUNDU KU DDEMBE LY'ABAKYALA

- * Akawayiro akakwata ku ddembe ly'abakyala n'abantu aka 1981.
- * Polotoco ku ddembe ly'obuntu n'eddembe ly'abakyala ku ssemazinga Africa.
- * Okukkiriza omw'enkanonkano mu bakyala mu Africa.
- * Etteeka kukutumbula enkulakulana okusenziira ku kikula kya buli muntu.
- * Okuziyiza n'okumalirawo ddala ebikolwa eby'okutulugunya abakyala n'abaana.
- * Etteeka ku kulwanyisa okutulugunya abantu ku mirimu, okubawamba n'okukozesa abaana abatanetuuka.

AMATEEKA GA UGANDA KU DDEMBE LY'ABAKYALA

- *** Ssemateeka wa Uganda eyabagibwa mu 1995
- *** Etteeka ku bakyala nga baweebwa emikisa eggyekyenkanyi erya bagibwa mu 2007
- *** Etteeka ku komolwa kw'abakyala erya 2009
- *** Etteeka ku bakyala abatulugunyizibwa n'okutuusibwa ebikolwa eby'obukambwe mu maka erya 2010

Kyakubibwa aba:

Uganda Women's Network

Ekibanja 198 Old Kiira Road Ntinda - Kampala, Uganda

Essimu: +256 414 286 539

Email: info@uwonet.or.ug

Website: <http://www.uwonet.or.ug>